**14th February 2016.**

# OKUKEMEBWA N'EKIBI. II.

**Lub. 3: 6-24.**

Nga tweyongerayo n’omulamwa gwe twatandika omulundi oguwedde mwe tulabira entandikwa y’okukemebwa n’ekibi, era n’ebyaabivaamu kubanga nga bwe guli, mu ssuula eno mwe muviira omulamwa gw’ebyawandiikibwa byonna kubanga mu bbyo mwe muli ekkubo ly’obulokozi okuva mu kibi n’okufa kwe kyaaleetera ensi yonna n’okuzikirizibwa kwaayo.
Ng’omulundi ogwaggwa twasomesebwa ku mbala z’okukemebwa n’engeri z’okukwanŋŋanga, nga bwe twaabuulirirwa Omutume Paulo mu II Kkol. 2:11 nti “Setaani alemenga okutuwangula, kubanga tumanyi enkwe ze”.
Leero nga tusomesebwa mu kitundu mwe tunnekkeenenyeza ekibi, nsaba tusome...

Okusookera ddala, nsaba tukikakase nti okukemebwa ssi kwekwoonoona n’oba n’ekibi, kubanga tumanyi nti ne Yesu Kristo Mukama waffe yakemebwa Sitaani mu ddungu, era ne mu buweereza bwe, naye n’atayonoonako n’omulundi, n’olw’ekyo obutuufu buli era nga bwe twaabuulirwa mu Yakobo 1: 13 -15 nti..
Okwawulwa ne Kaawa ataalina mbala ya kibi mu yye, mu kulimbibwalimbibwa Sitaani mwe yajja okwegomba okwaamuleetera okwoonoona (lnny.6) olwo ekibi kye bwe kyakakasibwa bba, embala y’ekibi n’eyingira mu mwana w’omuntu nga Abaruumi 5:12 bwe lugamba nti “Olw'ebyo, nga ku bw'omuntu omu ekibi bwe kyayingira mu nsi, okufa ne kuyingira olw'ekibi, bwe kityo okufa ne kubuna ku bantu bonna kubanga bonna baayonoona”.
Ekyo kye kituleetera ffenna okuba n’embala y’ekibi mu ffe kubanga emibiri gyaffe gy’abuzaaliranwa bwa Adamu ne Kaawa. [Bar. 3:12, 23].

Ekibi kwekumenya amateeka ga Mukama, era mw’ekyo mwe muli obutatuukiriza kwagala kwe, ky’ekikiyisa obutalibutuukirivu. Mu ndowooza, mu bigambo, ne mu bikolwa, awamu n’obutalowooza, obutayogera era n’obutakola nga bwe kigwaanidde okwagala kwa Mukama kwonna.
Ekibi kwe kujeemera Mukama mu bugenderevu ne mu butalibugenderevu. Era kwe kuva mu kukugirwa kwa Mukama gyetuli mu ngeri yonna.

Ebyaava mu kwoonoona, kabekasinge era by'ebibaawo buli lwe twoonoona ne tuba mu kibi, era nga bileetera ayonoonye obutalibutuukirivu, era obukyaamu, n'obukyaafu mu yye eri Mukama n'abalala.[ Z'enfunyiro n'amabala eby'ogerwaako mu baibuli].

Mu byawandiikibwa byaffe, tulaba nga kyaleetera okwoononeka kw'entabagana ne Mukama, Adamu ne Kaawa gye baalina. (nny.7 -10). N'okuba nti Mukama Katonda waffe mutukuvu abeera awatukuvu w'awatukuvu, takisa kibi nga bwe tubuulirwa mu baibuli, kubanga ne mu Isaaya akiddamu entakera mu ssuula 1, ate mu ssuula 59:1,2 zigamba nti "Laba, omukono gwa Mukama teguyimpawadde n'okuyinza ne gutayinza kulokola; so n'okutu kwe tekumuggadde n'okuyinza ne kutayinza ku wulira: naye obutali butuukirivu bwammwe bwe bwawudde mmwe ne Katonda wammwe, n'ebibi byammwe bye bimukwesezza amaaso, n'atayagala kuwulira."
N'olw'ekyo ekibi bw'ekityo kitwaawula ne Mukama Katonda waffe.

N'ekirala, ekibi kyawula omuntu ne banne, nga bwe tulaba Adamu ne Kaawa batandika okw'ekuba empawa, nga Adamu anenya omukazi awamu ne Mukama eyamumuwa okuba kalumannyweera. Ekyo nkiwa kiggyawo emirembe n'essanyu wakati wo n'oyo abadde munno ennyo, olwo entabagana yammwe n'egootaana oba n'efa!

Era n'ekirala ekibi kireetera omuntu okweewulira obubi, okwelumiriza (guilt) naye kkennyini, n'aba n'obuswaavu, awamu n'ennyiike, era osanga abeegumya nga bali mu kibi nti nga luba olwo ne yejjusa bwannyikirwa mu kkungula empeera y'ekibi kye.

Kye kitutwaala n'okulaba nti buli kibi kirina empeera y'akyo etali nnungi, ng'ate nga Baruumi 6:23 bwe lugamba "empeera y'ekibi kwe kufa". Kubanga ne Mukama yagamba Adamu nti lw'olilya ku kibala ekyo tolirema kufa (2:17). Era wadde tebaakongoka ne bafiirawo, buli kimu lwe kyayingizibwaamu embala y'okufa okutuusa ensi lw'eliggibwaawo.
Ekinneewuunyisa kwe kuba nti abantu twelabira nnyo nti buli ky'osiga ky'okungula Bagg.6:7,8….. Naye amazima g'ego agatakyuusibwa kubanga ebya Mukama bitereevu era byalubeerera nga bwe tumanyi ekigambo kye bwe kiri.

Era mu mpeera z’ekibi mwe tulabira ebikolimo ebikiviiramu, kubanga Mukama wadde wakisa nnyo naye ate era wa mazima nnyo (He’s a just God). N’olw’ekyo ekiva mu ky’osaliddewo ky’ofuna era ne mu kisa kye oweebwa obusobozi okulokolebwa naye era ekivaamu mu kkyo kye kiba ng’empeera bw’egwanidde.
Bwetutyo tulaba omusota nga gu kolimirwa, (gwakozesebwa Sitaani) lnny.14..
Kaawa ng’akolimirwa……….lnny.16……
Awamu ne Adamu ng’akolimirwa…….lnny17…..

Eky’okuddamu kyaffe leero tukirina mu Yesu kristo eri amaanyi g’ekibi nga bwe tubuulirwa mu Baruumi 5, ne 6.

N’olw’ekyo bwe tweenenya mu linnya lya Yesu Kristo tufuna okubeerwa kw’obulokozi bwe eri ekibi n’empeera y’akyo ne tutazikiririra ddala, era ne tuweebwa obutuukirivu bwe obutukakasa okutuukirizibwa mu bulamu obutaggwaawo, nga bwe twaasomesebwa mu Yokaana omwaka oguwedde.